# Gavt. ennyonnyodde ku ky'okuggyako yintanenti

Bya KIZITO MUSOKE
ne CHARKES ETUKURI

EKITONGOLE ekivunanyizibwa okulondoola omutindo gw'ebiweerezebwa ku mpewo kiggyeko yintanenti mu ggwanga ng'eggwanga lyetegekera okulonda okwokubeerawo enkya ku Lwokuna.

Ssentebe wa UCC, Nyombi Thembo yategeezezza mu kiwandiiko kye yafulumizza nga yintanenti bwe baaziggyeko okutandika n'eggulo nga January 13, 2026 okutandika ku ssaawa 12:00 ez'olweggulo.

Kino kikoleddwa okwewala amawulire amakyamu okusasanyizibwa ku mikutu gya online awamu n'okwewala ebikolwa by'okusasamaza abantu mu biseera by'okulonda.

Enkola zonna ez'oku mutimbagano okuli mobile broadcast, fibre optic networks, satellite network bijja kusigala nga tebikola okutuusa UCC lwenaawa ekiragiro ekibizzaako.

Kyokka waliwo yintanenti egenda okusigalako nga ekwata ku by'obulamu mu malwaliro amakulu, emirimu gya bbanka, ATM, ebitongole ebikola ku kuyingiza abantu mu ggwanga, akakiiko k'ebyokulonda, okusasula amazzi n'amasannyalaze.

## GAVT. EYIMIRIZZA EBITONGOLE BY'OBWANNAKYEWA 10

Mu kiseera ky'ekimu era Gavumenti eyimirizza ebitongole by'obwanNakyewa 10 nga bwe banoonyereza ku ngeri gye bakolamu emirimu gye balowooza nti ekosa ebyokwerinda by'eggwanga.

Ebitongole era bigaaniddwa n'okuggya ssente ku akawunti zaabyo okutuusa ng'okunoonyereza kuwedde.

Ebitongole ebyayimiriziddwa kuliko; African Centre for Media Excellence (ACME), Agora Centre for Research, National Coalition of Human rights defenders, Alliance for Finance Monitoring, Centre for constitutional governance, Human Rights Network for Journalists, Uganda National NGO Forum, Network of Public Interest Lawyers, Chapter Four and African Centre for Treatment ne Rehabilitation of Torture Victims.

Stephen Okello, akulira ekitongole ekivunanyizibwa ku bitongole byobwannakyewa ekya NGO Bureau yagambye nti ebitongole byayimiriziddwa oluvannyuma lw'okufuna amawulire agalaga nti baliko ebintu bye babadde bakola ebimenya amateeka.